**335/2**
**LUGANDA**
**Paper 2**
**2024**
$2^{1}/_{2}$ hours

SAMPLE PAPER

**UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD**

**Uganda Certificate of Education**

LUGANDA

**Olupapula olwokubiri**
Okusoma bwino, okufunza n'ebyobuwangwa

Essaawa bbiri n'ekitundu

## EBIGOBERERWA:

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu* **bisatu**: **A**, **B** *ne* **C**.

Awamu mulimu ebibuuzo **bina**.

*Ebitundu* **A** *ne* **B byabuwaze**.

*Mu kitundu* **C** *mulimu nnamba* **bbiri.** *Kolako nnamba* **3** *oba* **4**.

*Ddamu ebibuuzo* **bisatu** *awamu*.

*Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa tebijja kugololwa*.

*Ebyokuddamu biwandiike mu mpapula ezikuweereddwa*.

*© 2024 Uganda National Examinations Board*

## EKITUNDU A

**1.** *Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa ku nkomerero yaakyo.*

"Omulimu guno si mwangu kuba be tukolera tebasiima ate batulaba nga abayaaye, olw'ensonga nti abamu ku bannaffe enneeyisa yaabwe mbi nnyo. Ye nsonga eyaviirako omu ku baminista okwagala tukeberebwe emitwe.'' Ebyo bye bigambo Lusiba bye yayogera nga tumaze okukkiriziganya ku busimooni ŋŋamba ensimbi ze yali antwalira ssaako n'okunnamusaako obulungi. Twagenda tunyumya, okuva we natuulira ku manyoole we oba tugiyite boodabooda ye. Namubuuza oba naye yamala kutunda ttaka okugigula ko ye nedda. Awo kwe kumubuuza ekyamuleetera okwagala omulimu guno, kuba yandaga nti yali yasoma n'afuna ebbaluwa mu byamazzi(plumbing). Yanziramu nga yenna musanyufu nnyo nti, "Newankubadde musangibwamu ebizibu bingi nga: obutaba kyangu kufuna ppamiti, okutukuba obuyondo, okuzibba ssaako okuzibowa ne zitwalibwa ku poliisi ne zivundirayo, seevuma mulimu guno kuba we nsula sikonkonwa. Nsobodde okuweerera abaana era n'omu anaatera okumaliriza obusawo mu University e Makerere mwavangamu, bw'anaamala nja kukuyita ku kabaga ke.''

Emboozi bwe yatuuka wano ate n'eyongera okunkwata omugamba, ne mmubuuza engeri gy'asobodde kino. Yantegeeza nti, ekintu ekisookera ddala, mu bulamu teri mulimu mubi; kasita tonyooma mulimu ogufunamu. Okwesiga Katonda kikulu nnyo, kuba y'atuwanguza mu buli kimu. Yeeyongera n'antegeeza nti ewuwe buli ku makya bonna bakeera kusinza na kusaba Katonda abatangire enkwe z'omulabe sitaani. Kino kimukoledde era kati emyaka abiri (20) be ddu nga tafuna kabenje. Obuyonjo yabusimbako amannyo era okumutunuulira ng'ekikooti kye kitukula bulungi, era nga tavaamu lusu lwonna lukosa nnyindo zange. Lusiba yaŋŋaamba nti yasooka kukozesebwa, era olw'okuba omukozi ssaako n'amazima, eri mukamaawe, kyamusobozesa okugula ppikippiki eyiye mu myezi mukaaga gyokka. Okuva olwo teyadda mabega. Awo we nnamubuuliza nti; "Naye okutwalira awamu ofuna ssente mmeka olunaku?" Yanziramu nti, "Olunaku bwe lugenda obulungi, n'emitwalo omukaaga ngikola". Yeeyongera nantegeeza nti buli lunaku atereka emitwalo esatu (Shs30,000). Yannyumiza omusajja gwe yavugako olumu. Mbu omusajja yamusanga anaatera okunnyuka. Yajja n'ensawo n'agimukwasa naye bwe yamutuusa ewuwe yasitula bye yali akutte n'ayingira ennyumba ye. Ensawo n'agyerabira ku manyoole kuba yali agitadde mu maaso. Bwe yatuuka ewaka kwe kulaba ensawo y'omusaabaze. Ekiro ekyo yavuga n'agizzaayo mu bulumi naye ate ekikolwa ekyo kyamuwa essanyu. Bwe yagituusa n'agimuwa, omusajja yasanyuka era bwe yakebera ng'ebiri mu nsawo tebikwatiddwako yamwebaza era ekirabo yamuwa ppikippiki empya; bw'atyo n'aweza ppikippiki bbiri. Oluvannyuma yantegeezebwa nti ensawo gye yaddiza omusaabaze yalimu obukadde obusoba mu makumi ana.

Bwe namubuuza engeri gye yeewalamu ebikemo by'okudigida, Lusiba yaseka nnyo, oluvannyuma nantegeeza nti, omuvuzi wa Booda atafuga mubiri gwe akomekkereza afunye ebirwadde oba obutakulaakulana anti ensimbi aba azimalira

SAMPLE PAPER

mu kukyakala. Yayongerako nti banne bangi be yali aziise nga bafudde mukenenya ate ng'ababa babasiize bamu ku basaabaze baabwe. Mbu bangi balinnya ppikippiki zaabwe ekiro n'ebigendererwa ebibi. "Anti olutuula n'akukwata mu kiwato n'akuvumbagira be vvu, ng'eno bw'akukulukuunyaako amabeere ge, gye biggweera ng'owanyisiganyizibbwa mu birowoozo. Bw'otaba mugumu ssente z 'okoze olunaku olwo ozimalira mu bwenzi!"

Yaŋŋamba nti, "Okusobola okufuna obulungi mu mulimu guno, oteekwa okuba ng'olinawo ku ssente enkalu; kuba waliwo kasitoma ayinza okukukubira essimu ng'ayagala omugulire ebintu ebitali bimu, obimutwalire eka bw'annyuka akawungeezi awo n'alyoka akusasula. Abo nno mbafunamu ssente nnyingi kuba olumu batuwa n'akasiimo.'' Yeeyongera n'antegeeza nti, aliko abantu b'avugira omwezi era nga bamusasula ku nkomerero ya mwezi, naddala abo abalina abaana abato abasoma. Kino yagamba nti kyetaaga obuguminkiriza bungi naye nga kisasula. Anti buli luvannyuma lwa mwezi yali akuŋŋaanya emitwalo amakumi ana be ddu! Nti lwakuba era waliwo abatamusasula era abo ayawukanye bubi nabo.

Wabula yantegeeza nti abagoba abeetaba mu kwekalakaasa bangi ppikippiki zaabwe baziboye; abategendereza ku nguudo, ebinnya bibakuba ebigwo n'okwonoona ppikippiki zaabwe; oba okusibwa mu makomera nga ery'e Kitalya olw'obutaba na bisaanyizo. Bwe nnatuuka we nviirako nakwata mu ndyanga ne mmusasula era ne mmwebaza okunvuga obulungi. Sisabangako mugoba wa boodabooda nnamba ya ssimu naye, Lusiba nnagimusaba era yansuubiza okumpita ng'omwana we atikkiddwa diguli y'obusawo. Ne gye buli eno Lusiba y'anvuga era enkolagana yaffe yava mu mukwano kati twafuuka baaluganda.

**Ebibuuzo**:

(a) Oluvanyuma lw'okusoma ekitundu kino nyonnyola mukaddewo abadde avumirira omulimu gwa boodabooda ebintu ebyenjawulo **bina (4)** ebyoleka nti ddala omulimu ogwo si mubi.

(b) Mukwano gwo yasikira ettaka, kaakano anoonya baligula afune ssente agule boodabooda. Nga weeyambisa emboozi ya Lusiba, mulage engeri **mukaaga** (**6**) z'ayinza okuyitamu okutuukiriza ekirooto kye nga teyeggyeeko bya busika.

(c) Ggwe okulira ebyentambula mu ggwanga, weeyambise ekitundu kino olage engeri **mukaaga** (**6**) z'oyinza okuyitamu okutebenkeza omulimu gwa Balusiba.

(d) Ggwe ng'omusaabaze atambulira ku boodabooda, sinziira ku kitundu ky'osomye onyonnyole ensonga **nnya (4)** kw'onoosinziira okusaba owa boodabooda atera okukutwalako ennamba y'essimu ye.



SAMPLE PAPER

## EKITUNDU B

**2.** *Weefuule omuzadde mu maka, weeyambise ekitundu kino wammanga, ofunze mu bigambo nga* **100** *ebyo by'ogenda okubuulira abaana bo engeri y'okukuumamu obuyonjo awaka wammwe.*

Wali okigenderedde nti obuyonjo obwo mu nju ssekinnoomu ne mu bifo mwe tubeera bintu bikulu nnyo mu kutuwa obulamu n'obuwangaazi ?

Nga tukyali bato, bwe wazuukukanga, abakulu nga bakunaaza mu maaso bakuggyamu obujonjo n'olumu engeregeze ku mimwa n'amatama. Bino omuntumulamu tasaana kuba nabyo, anti byandireeta endwadde z'otamanyi. Kyokka n'osanga omuntu omukulu ng'azze mu bantu n'obujonjo mu maaso.

Bannange okwoza mu kamwa oba okusenya amannyo agalya buli kafankunaaye wabintu nakyo kikulu. Wabula n'osanga oli owaakamwa ke akaalya jjo n'atakalongoosa ne leero n'akaliisa ebirala n'olundi bwatyo n'asembera akukube akaama ng'aliko kyakutegeeza n'ofa ennaku !

Mwana ggwe omuwala oba owoobulenzi, n'omala ennaku zo nga ziizo nga teweeyiyeeko gano ag'emugga kuba empewo nnyingi ate n'enkuba etonnya obutakya, akasana ne kakwakako lwe kazze wenna n'ocuumuka ng'akafumbe. Gundi bambi weddeko.

Okwoza engoye n'ebintu bye tukozesa mu bulamu bwaffe kintu kikulu. Wabula n'osanga abaana abasomera mu masomero ag'ebisulo ng'essowaani kw'aliira teraba ku tuzzi;  agisiimula na bipapula. Bwe gutuuka ku tawulo oba essuuka mw'asula, tebiraba ku tuzzi okuva lw'ayingira essomero okutuuka lw'aliwummula adde eka.

Nze nneewuunya abantu abatalina bifo bikyamirwamu obubi ne babumansa nga nte. Emmanju we basula bwe wabaayo ensiko oba emimwanyi n'olaba ejjano. Kale teebereza enkuba lw'efukumuka oba omusana okweberengula ne wawunya ; eyo eba ekyayitika?

Omuntu n'okuza amaala ne gabanga Nnamulimi! Bannyinaffe abamu kati balina ne ze bakookera ku ngalo mbu banane. Olwo bwe kutuuka okunaaba ? Enviiri sizoogeddeeko, naye saasira omusawo alikwambula ng'ogudde ku kabenje akutunge ekiwundu wonna we kiri!

Awaka ne wazika, omuddo ne gulingiza mu mulyango ne mu madirisa, ddala buba buyonjo oba mpisa ya bugunjufu ? Okwo si kwe kusembeza ebyewalula eby'obulabe gye tuli.

Ebifo  mwe tweteewululiza n'okunaabira nabyo bwe bitayonjebwa, byandivaako endwadde. Teebereza kaabuyonjo, omugenda ne bummazeewo okumala ennaku nga teyonjeddwa. Bwo nno olumu ekyoka we kibusimbira we butera okussa ekitereke nga bumanyuuka.

Bwe kiba kinaabiro nga kyagegedde tewandyagadde na mazzi kukyekoonako ate ne gakusammukira.

SAMPLE PAPER

Bwe kityo nno ne we tukolera, ka bube butale, maduuka oba ofiisi mwe tutuula, bwe tutafaayo kutegekawo mu ngeri nnyonjo watama era n'abantu ne beebalamawo.

Mu kuwumbawumba, tewali kuwannaanya, awatali buyonjo n'obulamu tewaba.

## EKITUNDU C

*Ddamu ekibuuzo* **kimu** *ku bikuweereddwa wammanga.*

**3**. Mutoowo aluddewo okuwasa wabula ye teyeefiirayo kuba alowooza tekyetaagisa! Abantu ku kyalo batandise n'okumugeya! Wandiika ng'onyonnyola ebintu eby'enjawulo ebiyinza okumuwaliriza okuwasa oba ayagala oba tayagala.

**Oba**

**4**. Mukwano gwo akubuuzizza ebifa ku bika by'Abaganda. Londayo ekika kimu ky'omanyi osinziire okwo omunyonnyole ebintu ebikulu ebikwata ku kika ekyo.

SAMPLE PAPER